Lwaki nga okulonda kuutuse ababbi bona lwebakwatibwa?

Posted by Musa

Kawuma, Kawesa ne Kiggundu

EKIBIINA ekigatta abaddukanya n'okuvuga sipensulo mu ggwanga kifulumizza olukalala lw'abantu baabwe 14 abattibwa ne mmotoka zaabwe ne zibbibwa. Abdallah Bwete amyuka ssentebe w'ekibiina kino mu ggwanga amannya gano yagatadde mu lipoota gye baakoze ku butemu obw'enjawulo obuzze bukolebwa ku bavuzi ba sipensulo.

"Bano be twasobola okumanyaako kubanga bangi bazze battibwa emisango ne gitatuuka mu ofiisi abatono abazzeeyo be tutadde mu lipoota yaffe eno," Bwete bwe yategeezezza ng'asinziira mu ofiisi ye e Wandegeya.

Yagambye nti emisango mingi gibadde tegitwalibwa mu ofiisi yaabwe olw'abeng'anda z'abagenzi okutya abatemu okuwolera eggwanga oba n'abamu okutya abakwate nti poliisi ekyayinza okubayimbula ne babatigomya.

Abattibwa kuliko John Ssajjabbi eyali akolera ku siteegi y'e Mulago eyattibwa kyokka mmotoka ye ne bagikwatira e Bwaise nga bagitunda. Hamza Kabuubi eyali akolera ku siteegi ya Ndeeba yapangisibwa kyokka abaamupangisa ne bamwokera e Mukono n'asirikka.

Sula Magala eyali akolera ku siteegi e Kireka yapangisibwa n'azuulwa ng'attiddwa. Nordeen Kawuma eyabeeranga e Kyebando ng'akolera ku siteegi ye Wandegeya baamupangisa ne bamutta omulambo gwe ne gusangibwa mu majaani e Nakigalala.

Nyanzi eyavuganga sipensulo ku Buddu Street e Masaka yapangisibwa n'attibwa,omulambo gwe gwasangibwa guziikiddwa mu musiri gwa lumonde ku luguudo lw'e Gayaza.
Abbas Kasibante eyakoleranga ku siteegi y'e Lukaya yapangisibwa abaamupangisa ne bamutta,omulambo gwe gwasangibwa mu kitoogo e Busega.

Jude Lubega eyabeeranga e Kabowa ng'akolera ku Namirembe Road ku siteegi ya Mini Price yapangisibwa omulambo gwe ne bagusuula mu kibira e Nakawuka nga November 28 omwaka oguwedde. Musoke okuva ku siteegi ya Cooperative Bank baamupangisa omulambo gwe ne gusangibwa nga gusuuliddwa e Masaka.

Ssaalongo Ahmed Mukalazi eyakoleranga ku Kaleerwe ne Club Silk yapangisibwa omulambo gwe ne gusangibwa e Bukoto emabega wa Kabira Country Club. Augustine Kiganda eyavugiranga ku Mukwano Archade yapangisibwa omulambo gwe ne gusangibwa mu kisaalu e Nsangi. Siraje Kaweesa eyakoleranga ku siteegi ye Wandegeya yapangisibwa abaamupangisa ne bamusiba emiguwa ne bamusuula e Wattuba nga bamusse.

Yasin Ssennyonjo eyavugiranga ku siteegi ya Namirembe Road yapangisibwa omulambo gwe ne gusangibwa mu majaani e Nakigalala. Moses Kamoga yapangisibwa ku siteegi ya William Street omulambo gwe gwasangibwa gusuuliddwa Kajjansi.Ate Richard Ntale ku Kitooro siteegi e Ntebe baamupangisa ne bamutta,omulambo gwe gwasangibwa Nakigalala mu majaani.

Ugandans to the rescue

11/4/2010

Bwete yagambye nti bano bonna battibwa wakati wa 2007 ne 2010.